P360/3 LUGANDA Paper 3 July 2025

LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION (LTA)

(UACE)

Litulica Mu Luganda Essaawa ssatu (3)

Ebigobererwa:

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu: A, B, ne C.
- Ddamu ebibuuzo bina (04).
- Mu kitundu A ne C kolamu ekibuuzo kimu kimu.
- Mu kitundu B, ddamu ekibuuzo kya puloozi n'ekirala kimu okuva mu bitontome.

EKITUNDU A: ENGERO ENJIIYE

Kola ekibuuzo kimu kyokka mu kitundu kino.

NKATA MUSA MUTYABA: Agamyuka Omutezi

1. ".... Yayingira mu kisenge mwe twali ng'aweerekerwako bba.... Twayimirira, oluvannyuma ne tutuula ng'abakulu bamaze okukkalira mu za Mugula. Ssaabafumbo mu kibiina kino omwami Joseph Ssendiwala yalamusa ku lwa ffenna n'amusaba aggalewo omusomo gwe twali tumazeemu ennaku ebbiri ennambirira.teyeekunya n'atandika okwogera kwe."

Ebibuuzo

- a) Ani ayogerwako mu katundu kano era okwogera kwe kuba kwesigamiziddwa ku mulamwa ki omukulu? (Obubonero 03)
- b) Lambulula ebintu eby'enkizo ebyogerwako wansi w'omulamwa omukulu mu kwogera kuno. (Obubonero 22)
- Mu kutuwandiikira 'Agamyuka Omutezi', Nkata Musa agenderera okwagala obubaka bwe okuganyula ebiti by'abantu eby'enjawulo. Nyonnyola ng'olaga obutuufu bw'endowooza eno n'ebyokulabirako. (Obubonero 25)

SSEMWANGA KIVUMBI BANTUBALAMU: Gw'olulambuza

3. "Munnange mu kifo ky'okunjozaayozayoza okuwona okupangisa, yakwatibwamu nsaalwa, mbu olwokuba nga nagolomola ye gye yayita obwaguuga bw'enju ate ye ng'akyezinze mu bupangisa, anti bulijjo teri ayagalizza ya munne kuzaala nduusi."

Ebibuuzo

a) Ebigambo ebyo bigyiddwa mu ssuula ki ey'olugero?

(Obubonero 02)

C Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.





b) Baani aboogerwako mu bigambo ebyo?

(Obubonero 03)

- c) Ayogerwako mu bigambo ebyo lwaki asaana okuyozaayozebwa? (Obubonero 10)
- d) Ng'oggyeeko ensaalwa eyogerwako olw'okugolomola obwaguuga bw'enju, leeta ebikolwa eby'ensaalwa ebirala ebyeyolekera mu lugero luno. (Obubonero 10)
- 4. Mu kuwandiika ebiyiiye, abantu abeeyisa obulungi mu kiyiiye, basasulwa birungi ate n'abeeyisa obubi empeera yaabwe eba mbi. Kino kyeyolekedde kitya mu Gw'olulambuza?

EKITUNDU B

Kola nnamba 5 n'ekirala kimu okuva mu bitontome

PULOOZI

Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

Teri kisanyusa mu nsi eno nga muntu asomye n'akuba emisomo gye oluku mu mutwe. Kawamigero n'amubeera n'asaba omulimu kabekasinge n'ayita mu kugezesebwa omuba kajjojijjoji w'ebibuuzo n'abiyita era omulimu ne gumugwa mu ttaano anti ekkumi likwata mpaawo. Ng'atandise okukola, laba bw'ayolesa obwesimbu obutalabwalabwa, bakama be ne bamwesiga nga buvune mu bbanga ttono liti ne bamukuza, n'afuna obukulu ate n'aweereza okufiirawo.

Bino byatuukira ddala ku muvubuka Magandaazi ng'akola mu kitongole ekimu ekikola egya nnakyewa era nga kigikakkalabiza mu bibuga by'eggwanga ebitali bimu nga kw'otadde n'enzigotta z'ebyalo.

Luba olwo, ng'ekitongole kisindika Magandaazi mu bitundu bye Soroti gye yali owookumala enzingu nga ziizo ng'akakkalabya egya bandi. Mwalimu n'okusasula abakozi abaali baamusookayo edda, babeeko empungu ze baziba mu mirimu gy'ekitongole.

Mu byamukwasibwa mwe mwali n'ebisumuluzo ebiggula ekkuufulu ebbiri ezaali ku kabookisi mwe

yali agenda okussa ensimbi ez'okusasula banne abaamusookayo ng'aziggye mu bbanka.

Obutitimbe bw'ensimbi olwabuggya mu kittavvu yayolekera olw'e Soroti era ng'atuuse yabusibira mu kasanduuke ebisumuluzo n'abissa mu nsawo y'essaati eya kkaki eyaliko n'eppeesa. Essaati eno yaliko amannya g'ekitongole mu mugongo ate nga mu maaso ku kkono w'ekifuba we wali agage aga

Akawungeezi ng'amalirizza egy'olunaku, Magandaazi yagendako mu kafo akamu mu Soroti awummuze ku bwongo. Kano kaali kafo ka baguuda omwali bbandi eyali enyanyaagiza emirere. Yatuula ku mmeeza eyali mu kasonda kyokka mu kaseera mpawekaaga ne wajjawo omuwala eyafaanana okuba ng'abuliddwa we yeeyegeka era ng'awaliriziddwa kutuula ne Magandaazi.

Emboozi ebagatta yava ku kantu katono ak'omuzinyi eyali agonda ekiwato ng'omutali ggumba. Ogamba baava okwo, emboozi yeeyongerera ddala era okukkakana nga Magandaazi bannyuse ne munne bwe baali basisinkanye.

Ekisula baakikwatira wa Magandaazi we yali apangisizza okugalangatanyiza ekiwanga era obudde okuvaako eddiba bwe bwalamula. Omuwala ng'agolokose yagendako mu kiyigo. Teyabandaalayo n'akomawo. Magandaazi naye yaddayo ng'ali mu kawale akampi ke bazannyiramu emizannyo. Agenda

© Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.

2



5.

okudda ng'omuwala mu bwangu obw'ekitalo ayambadde essaati ye ey'omulimu omwali kaadi ze n'ebisumuluzo by'akabookisi. Yamubuuza ky'abadde nga tamunyega.

Mu lutemya lwa liiso tabandudde oluggi, akabookisi yakapakula nga kamunye n'alyoka akkirira amadaala. Wuuyo ayise mu lukuubo, ayise mu kalyongo ak'emannju, atyekudde emisinde. Magandaazi ku kawale k'emizannyo ke yalimu teyayongerako kirala, wabula okufubutuka agobe omuwala eyali yeenaanise mu kisaati kye kyokka nga ate kimukoma mu kiwato! Emisinde gyaddinnan naye ng'omuwala adduka nga kaweewo ku maliiri okwo. Magandaazi atakizza enduulu, abantu bamudduukiridde okumuyamba, naye ng'omuwala yeeyongerayo mizibu.

Kyaddaaki aba boodabooda baamumerako ne bamukwata naye nga Magandaazi omukka abaka mubake. Bo nno omuwala baali bamumanyi nga mulalu wa mu Soroti eyali alabika obulungi ennyo kyokka nga wabaawo ebiseera eddalu lwe littuka n'olumu ne yeeyambula.

Magandaazi baamubuuzanga gy'amusanze n'okutuuka okwambala ekisaati kye ate akuuliite n'akabookisi nga tanyega atunula mpwangali! Akabookisi baakamuggyako naye okumwambula ekisaati kya Magandaazi yasimba nakakongo. Essaawa nga zigenderera mu bbiri poliisi yatuuka etawulule ensonga ng'erowooza nti Magandaazi n'omulalu we bonna baali balalu!

Ebibuuzo

- a) Bw'osoma ekitundu kino kikussa mu mbeera ki? Wa n'ensonga. (Obubonero 08)
- b) Nyonnyola ku ngeri omuwandiisi gy'atuzimbiddemu Magandaazi wamu n'ebigendererwa bye mu kumuzimba bw'atyo.
 (Obubonero 06)
- Nyonnyola ku bukugu bw'omunyumya engeri gye bweyolekera mu lulimi lw'akozesa. (Obubonero 06)
- d) Ekitundu kino kiwe omutwe ogukituukirako. (Akabonero 01)
- e) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye. (Obubonero 04)
- i. egya nnakyewa
- ii. kajjojijjoji
- iii. n'enzigotta
- iv. baava okwo

EBITONTOME

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 6, 7,8 oba 9

KIZZA MUKASA J: Omulyammere Kkoyi

Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku kyo.

ENKUBA YA JJUUZI

 Yatandika na kiddedde nno, enkuba eyo, Nate ne kayaka ng'eneeyita, enkuba eyo, Bwaddamu okubijja buto, lwa nkuba eyo, Bantu baaduma mizibu, batya nkuba eyo.

 Kazigizigi yakwata nnyo, lwa nkuba eyo, Budde bwali ng'obuziba, lwa nkuba eyo, Kibuyaga nga yakunta oyo, ku nkuba eyo,

© Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.



3

6.

Buli omu n'atya lw'ekijja, ky'enkuba eyo,

 Yasookereza matondo, olwo efukumuka, Yatandika mpola mpola, ng'anti ejjirira, N'eyala mpola mpola, wamma n'ekanya, Mazzi ne gabuna ebyalo, wamu n'ensaka.

 Mukoka anti yasookereza, ng'atulabula,
 Nti teebe ya bulijjo eno, mpozzi bikokyo, Mukoka bwe yakaanyaamu, ne nkulabira, Amazzi bwe gakuŋŋaana, ku ppukupu.

5. Gajjula makubo emmotoka, gye zikiibira, Bitoogo gye gataggwa, nga wonna kijjobi, Mmotoka ezimu zaatubira, lwa mazzi gali, Bantu ne beweeka ku mabega n'obugaali.

 Bannakibuga n'abatya lunaku lw'enkuba, Balina bali obwangu, mu kukola ennusu, Baakolaakolawo amangu, obukodyo buli, Bafune ziri ennyangu, ez'okunywa bbiya.

7. Baaleeta n'akaato abo, baakaggya wa kale? Ne basaabaza abantu abo, gy'oli Wamala! Abaakatuulamu bo nabatya, butatya ssebo, Kwesiga Balyammere, abaweesi b'ennusu.

 Nkuba ky'etaakola kw'olwo, sikijjukirayo, Amayumba yagabambula, ag'ensenyi gali, Emiti n'egizuumya eri, egyekulira enkaŋa Obwana ne babunnyulula, ng'obumu luwe!

 Enkuba eyatonnya olwo, yantamya enkuba, Buly'omu agirojja bubwe, yajonyesa nkumu, Enkuba eyatonnya eyo, nze yansinya enkuba, Bangi kale bakyaginyumya anti teyali nkuba!

Ebibuuzo

- a) Sengeka omutontomi by'atuwadde ebyalanga enkuba (Obubonero 07)
- b) Nyonnyola ku bukugu bw'omutontomi mu nzimba ya sitanza mu kitontome
- c) Nyonnyola ku lulimi omuwandiisi lwe yeeyambisizza.
- d) "Buli omu n'atya lw'ekijja ky'enkuba eyo" Nokolayo mu kitontome ebikakasa obutuufu bw'obubaka obuli mu lunyiriri olwo. (Obubonero 04)

© Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.



CS CamScanner

(Obubonero 06)

4

(Obubonero 08)

 Weesigame ku bitontome eby'enjawulo olage ebintu Kizza Mukasa by'akubiriza bannayuganda ab'omulembe guno okwettanira. Wa ebyokulabirako ku nsonga zo. (Obubonero 25)

HUGO SSEMATIMBA: Abooluganda Ab'Enda Emu

Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu Ebibuuzo ku kyo.

KAMPALA 1981

8.

 Abantu basottoka mpola Ebigere bijjudde mabavu Engatto zigudde lubege

 Bbaasi erinywa wa ndasi Tekisi erinywa lwa nnaku Loole ettikka kikumi 'Kayoola' eyambye kinene

 Sente zibeera mu mpina
 'Chai' asabwa mu kkubo
 'Kwenda' ova mu kyasa kyennyini Atalina asula mu nkomyo

4. Ettooke ogula kiwagu Omusaala gumala bbiri Emirimu gifuuse gya bbula

 Endyanga mulimu ettuli 'Siringi' egula ki ssebo! Kampala atulese sseke

6. Abayaaye basammula 'ffege' Abangi balya mu ppipa Omuyonta amira ddusu!

 Abakulu bagejja mbuto Abamu bafuuwa mirere! Ng'ate boogeza kkabyo

Emmundu ewandula ssasi
 Olumbe kati lwa 'kkopa'
 Bangi bakaaba maziga
 Ng'anti baasigadde bwa ppeke

 Oluusi owulira bbomu Abantu bakunta nga mpewo Abalala bagwa ku kkubo Abamu bali mu nkomyo Abandi nsega y'ebika

© Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.



10. Gasiya abunye ekkubo Enswera ziriira ku ntebe Kampala afuuse wa mmese! Enguudo nkonko zennyini Ebinnya bitega n'engabi Bw'otunula okwata ku ttama

11. Ebiriwo bikaabya maziga Kampala aweddemu essanyu Katonda tufujjeko eddusu!

Ebibuuzo

- (Obubonero 04) a) Nyonnyola ku nzimba ya sitanza mu kitontome kino.
- b) Wa ebyokulabirako bibiri (2) okuva mu kitontome ku buli kika kya lulimi ekikuweereddwa wammanga okukakasa nti lweyambisiddwa mu kitontome kino (Obubonero 06)
 - i) Olw'ebisoko
 - ii) Olukuba ebifaananyi
 - iii) Olugunje
- c) Ekitontome kino bw'okisoma kikussa mu mbeera ki? Wa ebyokulabirako ku mbeera (Obubonero 05) gy'owadde
- (Obubonero 06) d) Nyonnyola amakulu agali mu nnyiriri zino wammanga:
 - Ssente zibeera mu mpina i)
 - ii) Endyanga mulimu ettuli
 - Kampala afuuse wa mmese

e) Obukugu bw'omutontomi bweyolekedde butya mu kitontome kino? (Obubonero 04)

Nga weeyambisa ebyokulabirako eby'enjawulo, nyonnyola obukugu bwa Ssematimba mu 9. kuwandiika ebitontome obweyolekera mu kitabo kye. (Obubonero 25)

EKITUNDU C

EMIZANNYO

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 10, 11, 12 oba 13

WAALABYEKI MAGOBA: Namulanda

Omwogezi Asooka:nkufunidde omusajja wuuyo (akasiriikiriro). Ng'otangaalirirdde 10. ng'azadde ekifudde! Omwagadde?

Omwogezi Owookubiri: Ate baze mmukole ntya atayina kibi ky'ankoze....?

Omwogezi Asooka: Oba ggwe talina kibi ky'akukoze, nze alina

Omwogezi Owookubiri: Ate kiriwa.....?

© Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.



Omwogezi Asooka: Alemereddwa okukundabirira mu ngeri ensanyusa. A! Laba olubugo lukukutukidde ku mugogo. Labayo eyali anyirira wenna.....

Ebibuuzo

a) Wa amannya g'omwogezi asooka n'owookubiri .

(obubonero 02)

- b) Nsoga ki ezifaanana okutangaaliriza omwogezi asooka? (obubonero 09)
 c) "Oba ggwe talina kibi ky'akukoze, nze alina." Bibi ki ayogerwako wano by'afaanana okuba
 - ng'akola omwogezi owookubiri? (obubonero 09)
- d) Nyonnyola omusomi by'ayinza okwegomba ku mwogezi owookubiri. (obubonero 05)

11. Bw'osoma Namulanda okakasa nti waliwo obukwatane wakati w'omulembe Omukookiro n'omulembe Omutebi. Nyonnyola n'ebyokulabirako okuva mu muzannyo. (obubonero 25)

MERCY MIREMBE NTANGAARE: Ssemitego Omuyizzi Kkungwa

12. Omwogezi Asooka.......(Avumbagira Nnaalongo n'amulwanyisa yogaayoga ku ttaka). Mbikooye, ka nkikole leero nfune emirembe. (Asibira emikono gya Nnaalongo emabega n'agenda mu maaso okwetoolooza Nnaalongo n'omuguwa guli). Kakwitsi......

Omwogezi Owookubiri...... (Awatanya okwerwanako) oyagala.....

Omwogezi Asooka...... Alowooza nti siri musajja. Alowooza nti nkomye. Leero nja kumulaga.....

Omwogezi Owookubiri...... (Akaaba ng'atidde) Woowe...... (Wano Kakwitsi we kakomerawo).....

Ebibuuzo

- a) Ebigambo bino bisimbuddwa mu kitundu ki eky'omuzannyo? (Akabonero 01)
- b) Omwogezi asooka ani gw'ayogerako gw'ajja okulaga alowooza nti si musajja? (Akabonero 01)
- c) Kakwitisi ye ani era alina mugaso ki mu muzannyo guno? (Obubonero 11)
- d) Omwogezi asooka alina ssuubi lya ngeri ki oluvannyuma lw'okutuukiriza ekikolwa ekyogerwako waggulu? (Obubonero 12)
- "Omuwandiisi by'atwoleka mu muzannyo Ssemitego byegombesa." Kubaganya ebirowoozo. (Obubonero 25)

****BIKOMYE WANO****

© Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.

Omwogezi Asooka: Alemereddwa okukundabirira mu ngeri ensanyusa. A! Laba olubugo lukukutukidde ku mugogo. Labayo eyali anyirira wenna.....

Ebibuuzo

- a) Wa amannya g'omwogezi asooka n'owookubiri .
- (obubonero 02)
- b) Nsoga ki ezifaanana okutangaaliriza omwogezi asooka? (obubonero 09) c) "Oba ggwe talina kibi ky'akukoze, nze alina." Bibi ki ayogerwako wano by'afaanana okuba ng'akola omwogezi owookubiri? (obubonero 09)
- d) Nyonnyola omusomi by'ayinza okwegomba ku mwogezi owookubiri. (obubonero 05)

11. Bw'osoma Namulanda okakasa nti waliwo obukwatane wakati w'omulembe Omukookiro n'omulembe Omutebi. Nyonnyola n'ebyokulabirako okuva mu muzannyo. (obubonero 25)

MERCY MIREMBE NTANGAARE: Ssemitego Omuyizzi Kkungwa

12. Omwogezi Asooka......(Avumbagira Nnaalongo n'amulwanyisa yogaayoga ku ttaka). Mbikooye, ka nkikole leero nfune emirembe. (Asibira emikono gya Nnaalongo emabega n'agenda mu maaso okwetoolooza Nnaalongo n'omuguwa guli). Kakwitsi......

Omwogezi Owookubiri...... (Awatanya okwerwanako) oyagala.....

kumulaga.....

Omwogezi Owookubiri...... (Akaaba ng'atidde) Woowe...... (Wano Kakwitsi we kakomerawo).....

Ebibuuzo

- a) Ebigambo bino bisimbuddwa mu kitundu ki eky'omuzannyo? (Akabonero 01)
- b) Omwogezi asooka ani gw'ayogerako gw'ajja okulaga alowooza nti si musajja? (Akabonero (01)
- c) Kakwitisi ye ani era alina mugaso ki mu muzannyo guno? (Obubonero 11)
- d) Omwogezi asooka alina ssuubi lya ngeri ki oluvannyuma lw'okutuukiriza ekikolwa ekyogerwako waggulu? (Obubonero 12)
- "Omuwandiisi by'atwoleka mu muzannyo Ssemitego byegombesa." Kubaganya ebirowoozo. 13. (Obubonero 25)

****BIKOMYE WANO****

© Luganda Teachers' Association (LTA) mocks 2025. No part of this document should be reproduced in any form without written permission.

